Kyetaagisa nsimbi meka okusobola okufuna ennangamuntu y'eggwanga?

Ennangamuntu y'eggwanga eweebwa omuntu ku bwereere omulundi ogusooka, naye omuntu asasula UGX 50000/= okusobola okuddizibwawo ennangamuntu ebeera ebuze, eyonoonese oba efungaladde.

Nnewandiisa naye sifunanga nnangamuntu yange.

- Okugaba ennangamuntu z'eggwanga kukolebwa obutasalako ku wofiisi za NIRA ez'oku disitulikiti wonna mu ggwanga ne ku bitebe bya KCCA ebitaano eby'eggombola z'ekibuga Kampala.
- Nyiga *216# osobole okukebera bino;

i. Ebyetaagisa ng'osaba
ii. Okusaba kwo we kutuuse
iii. Okuzzaawo ennangamuntu
iv. Okutereeza ebiri ku nnangamuntu
v. Okukebera NIN

Nyinza kwewandiisiza wa singa mpangaalira bweru wa Uganda?

Efforts are under way to establish registration at selected missions and embassies.

Nsobola okusaba omuntu omulala okunkimirayo ennangamuntu yange ey'eggwanga?

Okugaba ennangamuntu y'eggwanga eri omuntu atali nannyini yo kuyinza okulowoozebwako singa nannyini yo abeera tasobola kugyekimira olw'ensonga zino; obulwadde oba obukadde, obulemu, okuggalirwa mu kaduukulu n'abantu abawangaalira ebweru w'eggwanga

i. Olupapula 8 olugaba olukusa nga luliko n'ebiwandiiko ebyetaagisa
ii. Lisiiti y'okwewandiisa okusinziira ku kusaba okwo (Olupapula 5)
iii. Obukakafu bw'obutasobola kwekimira nnangamuntu mu buntu
iv. Ennangamuntu y'eggwanga ey'oyo atumiddwa

Omuntu ayinza ddi okufuna ennangamuntu y'eggwanga empya?

Singa obuza ennangamuntu yo ey'eggwanga, wetaaga okuloopa ku poliisi, noasasula UGX 50,000/= mu bbanka gy'obeera osiimye.

Wetaaga okujjuza olupapula lw'osobola okutikkula okuva ku mutimbagano **www.nira.go.ug**, ogwa NIRA oba okuzifuna ku bwereere okuva ku kimu ku bitebe byaffe ebibunye eggwanga lyonna, olwo omulimu gw'okuzzaawo ennangamuntu empya ne gulyoka gutandika.

Omuntu bw'abeera yetaaga okukyusa obumu ku bubaka obuli ku nnangamuntu y'eggwanga: muno muyinza okubaamu okukyusa erinnya, ekyalo, okukyusa ekikula ky'obutonde n'ebirala.

Kiki kye netaaga okusobola okubaako bye nkyusa ku biri ku nnangamuntu yange ey'eggwanga?

Kino tekisoboka okuggyako ng'ozze n'ekiwandiiko oba bino wammanga;

1. Ekirayiro ky'endagaano
2. Ekirangiriro ky'amateeka
3. Ebbaluwa z'obufumbo
4. Ebbaluwa z'obuyigirize
5. Ebbaluwa z'okusattulula obufumbo
6. Obukonge okusasuliddwa ebisale
7. Ebbaluwa z'obuzaale n'ekirala kyonna nga bwe kibeera kyetaagisizza.

NIRA (EKITEBE EKIKULU)

Ekibangirizi kyu'obwetwaze, Ekisaawe ky'ennyonyi e Kololo, P.O. Box 26529, Kampala-Uganda
Essimu (Awatuukirwa abagenyi): +256 312119600

Abantu abalina bye baagala okumanya, tuukirira:
0800211700 (Entabiro y'essimu)

Okumanya ebikwata ku nkolagana n'abantu,
Kuba: +256 312119605

Nira_Ug NIRA nira.go.ug

NIRA
National Identification and Registration Authority
Uganda-My Country My Identity

OKWEWANDIISA OKUSOBOLA OKUFUNA ENNANGAMUNTU Y'EGGWANGA

Ekitonggole ky'eggwanga ekivunaanyizibwa okuwandiisa abantu (NIRA) kyateekebwawo etteeka ly'okuwandiisa abantu 2015.

Ekitongole kino kyaweebwa obuyinza okukola bino wammanga wamu n'ebirala;

Okuwandiisa abatuuze n'okubawa ennamba z'eggwanga ezibaawula (NIN) wamu n'ennangamuntu z'eggwanga

Okuwandiika abantu bonna abazaalibwa, abafa n'aboolebwa (BDAR) era n'okugaba ebbaluwa ezetaagisa

Okuteekawo, okuddukanya n'okulabirira olukalala lw'abantu bonna mu ggwanga

Amawulire agali ku lukalala lw'abantu mu ggwanga gabeera gasobola okweyambisibwa ebitongole bya gavumenti, eby'obwannannyini n'abantu ssekinnoomu.

Akapapula kano kaliko endagiriro ekwanguyiza okutegeera obulungi emitendera gy'okwewandiisa okusobola okufuna ennanagmuntu y'eggwanga, wamu n'okuwandiisa abantu abazaaliddwa/ abafudde n'abooleddwa.

Ani alina okwewandiisa?

- Bannansi ba Uganda bonna.
- Abagwiira bonna abawangaalira mu Uganda mu ngeri etemenya mateeka bajja kwewandiisa.

Okwewandiisa kukolerwa wa?

- Okwewandiisa n'okugaba ennangamuntu z'eggwanga kugenda mu maaso buli kiseera ku mbuga za disitulikiti zonna mu Uganda ne ku bitebe ebitaano eby'eggombolola z'ekibuga Kampala

A. EBYETAAGISA OKUSOBOLA OKWEWANDIISA OKUFUNA ENNANGAMUNTU Y'EGGWANGA ERI BANNANSI AB'OBUZAALE

1. Ebbaluwa okuva ku LC I ng'eraga amannya, eggwanga n'ekika eby'abazadde b'oyo asaba, era ebbaluwa eno erina okubeerako sitampu ya DISO.
2. Kopi y'ennangamuntu z'eggwanga ez'abazadde bwe baba bakyali balamu, bwe baba baafa, ebbaluwa emusemba erina kino okukiraga obulungi.
3. Ekiwandiiko ekirala kyonna eky'omugaso, gamba ebbaluwa y'obuzaale.

B. EBYETAAGISA OKUSOBOLA OKWEWANDIISA OKUFUNA ENNANGAMUNTU Y'EGGWANGA ERI BANNANSI ABAYITA MU KWEWANDIISA

1. Ebyetaago byonna ebirambikiddwa mu "A" waggulu.
2. Kopi y'ebbaluwa y'obutuuze bw'obusenze oba ebbaluwa y'obutuuze bw'okwewandiisa nga bwe kibeera kyetaagisa.
3. Ekiwandiiko ekirala kyonna eky'omugaso, gamba, kopi y'ebbaluwa y'obuzaale, paasipooti, ebbaluwa y'obufumbo, ebiwandiiko by'obuyigirize, ebbaluwa y'okuvuga ebidduka, ebbaluwa y'obubatize, kaadi y'aba;onzi, n'ebirala.
4. Kopi ya NID y'abazadde (bw'ebeera weeri)

C. EBYETAAGISA OKUSOBOLA OKWEWANDIISA OKUFUNA ENNANGAMUNTU Y'EGGWANGA ERI ABANTU ABALINA OBUTUUZE OBWA NNABANSASAANA

1. Kopi y'ebbaluwa y'obutuuze obwa nnabansasaana okuva ewa DCIC
2. Paasipooti y'oyo asaba
3. Kopi ya NID y'abazadde (bw'ebeera weeri).